# Abafuna omusaala baggyibwako omusolo gwa bitundu bimeka?




Akulira URA, Musinguzi.

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno **0701625460** byonna ajja kubyanukula.

**Abantu abafuna omusaala wano mu ggwanga baggyibwako omusolo gwa bitundu bimeka kituyambe okumanya ssente entuufu bakama baffe ze bateekeddwa okututemako buli mwezi ku nsonga ya PAYE?**

Omusolo oguggyibwa ku musaala gw'abakozi ogumanyiddwa nga Pay As You Earn guwoozebwa mu mbeera ez'enjawulo nga bwe ziragiddwa wammanga:



Omukozi afuna omusaala ng'ali mu ofiisi akola.

## BUUZA KAMISONA

### BAMUSIGANSIMBI BAWOOZEBWE

**Lwaki URA teteeka misolo ku bintu bya Bamusigansimbi abatundira emmaali yaabwe ebweru w'ebibangirizi bya Bannamakolero? Kino kijja kuyamba okutondawo emirimu gy'abasuubuzi abateekeddwa okubibasuubulako okubiguza bakasitoma baabwe mu bitundu by'eggwanga ebyenjawulo?**

Ebyamaguzi ebifulumizibwa mu kkolero lyonna mu Uganda biteekebwako omusolo nga tetusinzidde wa we bitundiddwa. Ekya bannamakolero okwetundira ebyamaguzi kyokka nga babisuubuzizza n'abasuubuzi kisobola kugonjoolwa minisitule y'ebyobusuubuzi.